# Ebivudde mu BREATHER+


## BREATHER+ kyeki?

M T W T F S S

Kwe kunoonyereza okubuuza oba sikya bulabe okumira eddagala ly'akawuka ka mukenenya okumala ennaku ttaano mu wiiki n'owummulamu ennaku bbiri nga tomira ddagala ku nkomerero ya wiiki.

## Ani abadde ekitundu ku BREATHER+?

Abavubuka 470 abalina akawuka ka mukenenya ab'emyaka 12 okutuuka ku 19 egy'obukulu ababadde bamira eddagala ly'akawuka ka mukenenya (HIV) erigezesebwa mu kunoonyereza, era nga akawuka kaabwe akaleeta mukenenya kaali kebase (nga tekalabika). Okuva e Uganda, Kenya, Zimbabwe ne South Africa.




Eddagala ly'akawuka ka mukenenya eriri mu BREATHER+ liyitibwa **T** (tenofovir) **L** (lamivudine) **D** (dolutegravir)

## BREATHER+ yakola ki?

**EKIBINJA 1:** Obujjanjabi obutalimu kuwummulamu

Sigala ng'omira eddagala buli lunaku

**EKIBINJA 2:** Obujjanjabi obulimu okuwummulamu

Mira eddagala okumala ennaku 5 oluvannyuma owummulemu ennaku 2

Yatunuulira ebibinja by'abantu bibiri, ekimu kyali kimira eddagala ly'akawuka ka mukenenya buli lunaku, ekirala nga kirimira ennaku 5 ez'omuddiriŋŋanwa ne bafuna okuwummulamu kwa nnaku 2. Mu kiseera ky'okunoonyereza, abantu abeetabamu balondoolwa ba dokita ne bannansi. Baafuna okukeberwanga bulijjo okubakuuma nga tebalina kabi era nga balamu.

Eddagala bwe liba nga teryakola bulungi, abasawo bazaayo mangu abantu ku bujjanjabi obwa buli lunaku okubakuuma nga balamu era nga tebalina kabi. Ebiseera ebimu era ba dokita baakyusa eddagala lyaabwe okusobola okukuuma akawuka nga keebase oba nga kalwanyisibwa.

## BREATHER+ yazuula ki?

BREATHER+ yazuula nti okumira eddagala ly'akawuka ka mukenenya buli lunaku y'engeri esinga okukuuma akawuka nga keebase. Okuyimiriza okumira eddagala ku nkomerero ya wiiki tekikola bulungi. Mu kiseera ky'okunoonyereza, mu bantu akawuka mwekazuukuka baakyusibwa okuddayo ku mpeke eza buli lunaku era akawuka kaddamu ne keebaka.

Okunoonyereza kwali kwa mugaso okulaba oba okumira eddagala ly'akawuka ka mukenenya buli lunaku kwe kukyali engeri esinga, era oba okuwummulamu nakyo kiyinza okukola. Newankubadde nga ebyavaamu tebyali nga bwetwaali tusuubira, byatuyamba okubeerako nekyetuyiga eky'omugaso.

M T W T F S S

Tuwa abavubuka abalina akawuka ka mukenenya amagezi okumira eddagala lyabwe buli lunaku. Temwosamu doozi yonna. Eno yengeri esinga ey'okukuuma akawuka nga keebase era nga kafugibwa.

## Kiki ekiddako?

Tukola nnyo ku kunoonyereza okulala okuzuula engeri ennyangu ezisobozesa abavubuka okumira eddagala lyabwe. Obuyambi bwo mu kunoonyereza kuno kukulu nnyo ddala.

Twebaza abavubuka abeetaba mu kunoonyereza, tukakasizza nti okumira eddagala buli lunaku ky'ekisinga okukola! Kino kijja kuyamba ba dokita okuwa obujjanjabi obusinga n'okuyamba abavubuka okumanya nti okumira amakerenda buli lunaku y'engeri esinga ey'okusigala nga balamu bulungi.

**Weebale kwetabamu!**

MRC/UVRI and LSHTM Uganda Research Unit

Okunoonyereza kwa BREATHER+ kuteekebwamu ssente aba European and Developing Countries Clinical Trials Partnership [RIA2017MC2005] ne kuwagirwa ab'Omukago gwa Bulaaya (European Union)

BREATHER+